**21st August 2016.**

# OKWEEWAAYO KWA SSADDAAKA.

**Lubereberye 22.**

Mw'ebyo ebyaabaawo, ebigererwa mu ssuula yaffe eno gyetusomesebwaamu leero mwe muli ekifaananyi ekisinga enkukunala mu ndagaano enkadde y'okweewaayo kwa Mukama waffe Yesu Kristo ottufiirira ku musaalaba ottufuula abaana ba Katonda era ab'obusika bw'obwakabaka bw'omuggulu era obwa Mukama.
Mu biweebwaayo by'omu yeekaalu era ne mu kuyimusibwa kw'omusota ku muti mu ddungu kyaggibwangayo nnyo ng'ekyeefaananyirizo ky'okufa kwa Mukama waffe ku lw'ebibi byaffe, naye mu kugezesebwa kwa Ibulayimu kuno nga bwe tulaba ku mutabani we yekka mwe mwaava obumalirivu bw'enkwaaso yeebisuubizo byonna Mukama bye yali awadde Ibulayimu omulonde era mukwano gwe, okutuukirizibwa.
[*Tusome*]

Olwaali oluvannyuma lw'ebyo byonna ebyaateekateeka Ibulayimu okutuusibwa ku kigezo kino. Mu I Kkol.10:13 tugambwa omutume Paulo nti "Tewali kukemebwa kubatuukako okutali kwa bantu; kyokka Katonda mwesigwa kubanga taabalekenga kutuukibwaako kukemebwa kwe mutayinza kugumira, naye anaabasobozesanga okubigumira, n'abalaga n'ekkubo ery'okubiwangula."
Ekitwaalwa ng'ekikemo okuva eri sitaani, kwe kuba okugezesebwa okuva eri Mukama, kubanga nga Yakobo 1:13-15, bwe zinnyonnyola, Katonda takema muntu yenna wabula bwakikkiriza gyetuli mu mbeera ezo tugezesebwa mu kukkiriza kwaffe mu yye, era okuyita kw'ekigezo kukakasa kkuzibwa.
Na bw'ekityo mu kugezesa kwa Ibulayimu, Mukama nkiwa mwe yali anoonya eky'enkalakkalira ekinaamuleetera okutuukirizibwa kw'ebisuubizo bye byonna gyaali mu bulokozi obuliggira ensi yonna mu kweewaayo kwa mutabani we eya ky'enkana yye kkennyini ng'ekiweebwaayo kya ssaddaka y'ekibi.

Nga bwe twaakiraba omulundi oguwedde, Ibulayimu yalina obuwulize obw'enjawulo ennyo eri Mukama mu biro bino nti ebiragiro bye ebikakali yabikeerera ku makya nnyo okubikola! [lnny. 3]

N’ekirala ekikulu ennyo okweetegereza kwe kukkiriza Ibulayimu kwe yalina mu Mukama nti mu lnny.5 yagamba abalenzi be nti baali bagenda luuyi ne mutabani we basinze oluvannyuma bakomewo! Era ne Isaaka bwe yamubuuza ekiweebwaayo gye kyaali, yamukakasa nti Katonda yali agenda kkyeefunira …
Ng’oluzungu bwe lukivvuunula nti yali agenda kwefunira yye kkenyini okuba ekiweebwaayo eky’okebwa. Baebbulaniya 11:17 -19 zigamba nti……

Kizibu okuteebereza Isaaka bwe yatuuka oggalamirizibwa ku kyooto, ku nku naye bwe gwaali, okutuusiza ddala ibulayimu bwe yagolola ekiso okumutta olwo alyooke amukume ko omuliro, Mukama kyaataaganya kubeerawo, naleeta obugabirizi bw’ekiweebwaayo mu kaseera ako! Ekintu ekikkirizibwa n’abalala abatakkiririza mu Yesu Kristo eyafuukira ddala ekiweebwaayo mu ntuuko z’ebiro bye, mu kutuukirizibwa kw’ekifaananyi Isaaka kye yali mu kaseera kano!

Na bw’ekityo Mukama bwe Yeelayirira eri Ibulayimu…lnny.16-18
Ekimpa eky’okusoomoozebwa nti mu kkwaata ebisuubizo bya Mukama gy’endi n’enkola okwagala kwe kwonna mu biragiro bye, mw’ennyinza ddala okuba n’entabagana naye ey’enkalakkalira mu ndagaano. (Covenant Relationship)……

Mu kumaliriza essuula tulaba mu lulyo lwa Nakoli muganda wa Ibulayimu, okuggibwaayo kw’oyo aliba mukazi wa Isaaka Lebbeeka. Mu ngeri y’okituggirayo nti mu byonna Mukama akola bulungi bweereere okusinziira ku magezi ag’okwagala kwe nga Abaefeso 1:11 bwe lugamba.
N’olw’ekyo kitugwaanidde okweewerayo ddala gyaali omukkiririzaamu ne bwe kiba nga tulaba nga okulwaawo gyetuli oba okweyongera kw’obuzibu oba obuzito gye tuli, tweyongere mweesiga okutuukiriza obwakatonda bwe mu ffe olw’okweewaayo kwafe gyaali eyatufiirira.
Baruumi 8:32 lugamba nti…..